

P360/2  
**LUGANDA**  
*Paper 2*  
*3 hours*

## **ENTEBBE BRIGHT SECONDARY SCHOOL**

**UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION**

**S.5 EBIGEZO EBIKOMEKEREZA OMWAKA 2018**

**LUGANDA**

(OKUKYUSA, OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUSOMA BWINO, N'OKUFUNZA)

**Olupapula Olw'okubiri**

Essaawa ssatu

### **EBIGOGERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddamu ebitundu bina :A,B , C ne D*

*Ebitundu A, C ne D bya bwaze.*

*Mu kitundu B, oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*

*Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

**EKITUNDU A**

***Ddamu I(a) ne (b)***

1. (a) *Kyusa ekitundu kino okizze mu luganda.* *(Obubonero 15)*

The Kabaka of Buganda, Ronald Muwenda Mutebi, has launched a new campaign aimed at ending gender-based violence in the kingdom.

The campaign dubbed, "HeForShe" is a global solidarity movement for gender equality, where men and boys pledge to take action against all forms of violence and discrimination faced by women and girls. It is spearheaded by the Nabagereka Development Foundation (NDF) in Buganda, with support from the UN Women, the global champion for gender equality.

Accompanied by the Nabagereka, Sylvia Nagginda, the Kabaka said: "The fight against gender inequality between men and women will yield more results, especially in curbing the spread of HIV/AIDS."

He urged women to work towards economic empowerment so that they can also become breadwinners in homes.

(Extracted from the New Vision of Thursday April 20<sup>th</sup> 2017 by Andrew Ssenyonga)

(b) *Kyusa ekitundu kino okizze mu lungereza.*

*(Obubonero 15)*

### **Okulamusa**

Abaana ab'omu byalo bo beesimye nnyo kuba abazadde bakyalina obudde bw'abaana baabwe. Bazuukuka nabo, ne babayigiriza okulamusa abantu b'awaka ate nga bona babalamusizzaako n'ebitiibwa byabwe. Okugeza: wasuze otyanno taata, baaba, maama oba senga n'abalala. Si kulamusa b'awaka bokka naye n'abagenyi, nabalala bona be basanga mu makubo.

Ekigendererwa omwana akule ng'amanyi nti okulamusa abantu kikulu. Naawe omuntu omukulu lamusaako ku mwana, bwotamulamusa naye bw'atyo bw'akula. Anti ggwe kyakulabirako gy'ali. Ensangi zino, abakazi weewaawo n'abasajja bazinduka ne baziinuuka nga tebalamusizza na ku bannaabwe bwe basula, ekitali kituufu. Olumu nno olireka munno nga Iwamazeemu dda amazzi! Gwe olimanya bw'olimaggula amaaso n'okubitebya nga bakubikidde nti ono walese alamaze etagenda badda!

(Kisimbuddwa okuva mu Ettu lya Ssenga ekyawandiikibwa Ssenga Joyce Naluggya Tomusange)

## **EKITUNDU B**

*Kola 2(a) oba 2(b)*

2. (a) Ku mitwe egikuweereddwa wammanga, londako gumu oguwandiikeko emboozzi ya bigambo nga **300 – 400**. *(Buli gumu obubonero 30)*
- (i) Abantu balamu kkoyi!
  - (ii) Empasa ey'edda yandizzeewo. Kubaganya ebirowoozo.
  - (iii) Nyonnyola ensonga ezivuddeko obwa Ssemugayaavu ensangi zino

- (iv) Wandiika emboozi ng'ekomekkereza n'ebigambo bino:-  
.....eyali yeewaasiira bwatyo yakomekkereza  
alusuddemu akaba.

## Oba

- (b) Ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri buli gumu oguwandiikeko embooz  
yabigambo nga 200. *(Buli mutwe gwa bubonero 15)*
- (i) Wandiikira Ssaabaduumizi wa puliisi nga weemulugunya ku bibaluwa  
bya kiro kitwala omunaku ebikyase ennyo mu kitundu kyammwe.
- (ii) Wandiika omuko mu lupapula lw'amawulire ng'olambulula ensonga  
eziviirako abayizi mu ggwanga okukola obubi ennyo mu bigezo byabwe  
ebyakamalirizo ku madaala ag'enjawulo.
- (iii) Gwe omu ku bbabadewo ng'omugoba wa mmotoka adda  
ekyennyumannyuma amale attire ddala oyo gwe yabadde akoonye  
n'atafiirawo. Osabiddwa okuwa obujulizi mu kooti; buwandiika nga bwe  
bunaaba.
- (iv) Mutuuze munnamwe abadde ow'ensonga afudde. Wandiikira ab'enju ye  
obubaka ku nsongea yeo.

## EKITUNDU C

3. *Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.*

Omuwala okufunira olubuto ku luggyia kye kiyitibwa amawemuukirano nga kiva mu  
kikolwa ky'obuswavu ekivaamu okuwemuka eri bakadde bo. Si bo bokka naye n'eri buli  
muntu abadde amusuubiram u ebirungi ng'afumbiddwa nga si **mutaagule**, abamu  
bakiyita kusoba oba kubootonga. Omuwala kasita kamutanda n'amala geemakula  
n'abasajja nga **azizza omukono emabega** kye tuyita okukula, aba ayolekedde  
kuwemuka.

Bajjajaffe abaatusookawo bassawo emizizo n'obulombolombo mwe baayitanga okubonereza n'okuyiiyiza ebikolobero ebyandikoleddwanga. Olwazuulanga nti omwana yasoba nga taddayo kusula mu nju na bakadde be si kulwa ng'abakwasa obuko engeri gy'aba akuze batya nti si ku lwa nga **bamunkuula** ekimmonde kyabwe ng'awulira. Anti ey'akaliddeko, omwoyo mulondo. Ba lumalabibamba (abajwa) baamuzimbiranga akafukaamirizi (akayumba) eyo ku **nkingizzi\_y'ekibanja** gy'aba asulanga okutuusa lw'alizaala. Naye nno nga ne bw'amala okuzaala amawemuukirano gasigalawo okutuusa ng'emikolo egigamalawo gikoleddwa.

Abazadde bwe baba ab'ekisa bamusindika wa ssenga we. Olw'okusobya kuli kwe yasobya ne bw'abeera ewa ssengaawe kumpi era aba ng'ali ku kibonerezo anti tebalya ku muwumbo gumu, emmere ya ssenga esibwa mu lwaliro lwa gonja (mugonjoola nsong) Kuba omuwala oyo yaleetebwa ewa ssengaawe ensonga ze **zigoonjolwe**. Ate ey'omuwala esibwa mu lwaliro lwa Nnakitembe wadde yasobya naye atembetembwe azaale bulungi. Wadde nga yasobya, aba tayagalizibwa kufa! Emmere efumbibwa mu ntamu emu naye giba emiwumbo ebiri ogw'omuwala n'ogwa ssengaawe. Tebaliira ku lujjuliro lumu. Emmere eriibwako nva za jjobyo, era efumbibwa mu ntamu eya kawato. (etaliiko mugo)

Olw'okubanga abazadde abakazi baabanga bakimanyi nti omuwala bwe yeekoona akolerwa ebintu bingi nga mwe muli n'okumukolera emikala egimuziyiza okufunira olubuto ku luggyga, omuwala olwalabikanga ng'alina olubuto abazadde abasajja bbo baatabukiranga bakazi baabwe. Baabatwalanga okuba abalagajjavu (emputte) ne balemwa okukuma omwana nga bwe twalaba.

Wadde ng'ekyo kiba bwe kityo, nga kitaawe anyiize nnyo, kyokka takkirizibwa kukuba mwana ono. Ekisooka aba yazza dda omukono emabega nga yakula. EKirala mulimu amagezi amakusike kubanga engeri abakulu gye baba banyiize ennyo, bw'amukwata okumukuba ayinza okumukuba awabi n'olubuto ne lutuuka okuvaamu.

**Ebibuuzo:**

- (a) Leeta ebintu ebyakolwanga ng'omuwala asobedde ku luggyga. *(Obubonero 5)*
- (b) Lwaki omuzadde omukazi anenyezebwaa nnyo nga muwala we asobye? *(Obobonero 2)*
- (c) Amagezi g'abaganda ageeyolekera mu mpisa eyo mu kitundu ky'osomye ge galuwa? *(Obubonero 4)*
- (d) Lwaki kitaawe wa kasobeza takkirizibwa kumukubako? *(Obubonero 4)*
- (e) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu

kitundu ky'osomye.

(Obobunero 5)

- (i) Mutaagule
- (ii) Azzizza omukono amabega
- (iii) Bamunkuula
- (iv) Nkingizi
- (v) Zigonjoolwe

## EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100.

(Obubonero 20)

Emisango oluusi gyatuukanga ewa Kabaka ne giremagana. Olw'obukugu bw'abawoza ku njuyi zombi. Era Kabaka n'ab'Olukkiko lwe baalemwanga emisango egimu. Omusango kasita gulema wano waba tewakyali mbuga ndala ya kujuliramu. Ssonga wateekwa okubaawo omu ku bo asinga n'asingibwa. Omusango bwe gwatuukanga kussa eryo, nga Kabaka, omuwaabi n omuwaabi rwa abakwasa omubaka ng' abatwala ew'omutaka Magunda ow'eSsigi mu kika kyEffumbe asangibwa e Lwanga mu Mawokota.

Magunda omusango yagusalanga . bwati: nganoonya entula zomuti oguyitibwa amaduudu ngazisekulira mu mmanvu ng'afukamu amazzi ngaddira ekiwaawo kyensujju nga buli omu amuwa empaawo bbiri. Amaduudu gatamiiza nnyo. Nga bombi bamaze okutamiira, olwo nabawozesa. Mu kuwoza nga bamaze okukyukako, waakiri omu ku bo yakubangawo ekigambo ekiyinza okumusinza omusango. Oba ngaddira olusanja ngalusuula wansi ngabeera erudda. Olwo ng'abagamba nabo babeere erudda. Yalabanga amaduudu gabakutte, ng'abagamba nti kale ggwe oba munno tewamulyazaamaanya jangu weeyanze.

Ate ngakyukira n'omulala ngamugamba nti kale ggwe munno oba yakulyazaamaanya jangu weeyanze eyabanga tasobodde kubuuka lusanja kudda ku ludda lwa magunda nga bagamba nti amaduudu gamwokyezza. N'olwekyo omuntu ataasobolanga kubuuka lusanja lwa magunda oba okusumulula ebigambo ebimusinza omusango ngatamidde amaduudu, ngaliyirira munne olwo ng'omusango guggwa. Naye oluusi, oli bwe yawuliranga nti oli akutte mu Mmanvu nga ye empaawo awunyamu mpunye, ngafuna munne eyayiga okukongojja omumbejja Namaalwa atatamiira mangu, ngamugamba nti amukiikirire. Olwo ngamuwa n'ensimbi oyo ye yagendanga ewa Magunda okutabaala

amaduudu.

**BIKOMYE WANO**